**15th January 2017.**

# ENNYANJULA Y'EKITABO KYA DANYERI ; OBUKAKAFU.

Nga bwe twalaba e Sande ewedde nti ekitabo kino kyawandiikibwa mu kyasa eky'omukaaga (600BC), ne ku mulundi guno, twagala okwongera okwekkeneenya ekitabo kino era n'okulaga obutuufu bw'akyo kubanga ky'ekimu ku bitabo ebirina okuwakanyizibwa mu baibuli olw'engeri obunnabbi obukirimu gye bwatuukirizibwaamu.

Ekitabo kino kiraga okubikkulirwa kw'ebyafaayo by'ensi (secular history), wamu n'ebyafaayo by'obwa Katonda .

Ekitabo kitulaga obufuzi bwa Katonda era n'amaanyi ge eri ensi n'omulabe Setani.

Ebimu ku bitulagibwa mu kitabo kino by'ebifo, amannya g'abantu ebyaddala mu byafaayo ebiraga obukakafu nti luno si lugero lwa bulimba wabula mazima agatwoleka enkola za Katonda.

Abantu aboogerwako nga Nebukaduneeza balabika ne mu bitundu ebirala ebya baibuli nga; - II Bassekabaka 24:1; II Eby'Omumirembe 36:15 -20 ; Yeremiya 39:1……
Wamu ne Kuulo; - Isaaya 44:28 ne Ezra 1:1

Obumu ku bunnabbi obukulu mu Danyeri bwe bwa Masiya bwa Kristo (Messiahship), era n'obwa Kabaka bwe obw'emirembe n'emirembe.

Newankubadde nga Danyeri akozesa obubonero bungi era nga n'ebifaananyi by'atusiigira mu bunnabbi bwe sibyangu byakutegeera wabula birina enkwatagana ey'amaanyi n'ebitabo ebirala mu Baibuli gamba nga Okubikkulirwa, Isaaya, Ezeekeeri, Mikka, wamu n'ebirala.

Danyeri 2:44 – Ayogera ku bwakabaka obutaliggwawo era nga kino kikwasaganyizibwa ne Lukka 1:32,33 we tulabira Yesu Kristo nti aliweebwa entebe ya Dawudi afuge emirembe egitaggwaawo.

Danyeri atulaga Kristo nga ly’ejjinja eritaatemwebwa na mikono gya muntu era ng’ayongera okutulaga Yesu Kristo ng’agenda kudda mu kitiibwa….. Dan. 7:13,14; Matayo 26:64.

Era bwe tweyongerayo tulaba ne Yeremiya mu Ssuula 25:11,12, Katonda yalina enteekateeka ey’abaana ba Isirayiri okugenda e Babulooni era ng’obunnabbi buno bwatuukirizibwa. Okuyita mu bunnabbi buno Danyeri asaba Katonda okubanunula mu buwanganguse. Dan. 9:2.

Dan 12:2 agerageranyizibwa ne Matayo 25:46, era nga tulagibwa nti abatuukirivu baliyingira mu bulamu obutaggwaawo.
Era Yesu Kristo ajuliza ebyawandiikibwa Danyeri mu Matayo 24:15….

N’olw’ekyo, tumanye nga tusoma mu kitabo kino nti Katonda wa buyinza era amanyi buli kintu ekigenda mu maaso mu nsi ne mu bulamu bwaffe. Tumanye ekisinga obukulu mu byonna nti Yesu Kristo n’ebimwogerwako byaddala era byateekebwateekebwa Katonda okuva ku lubereberye, tulokolebwe okuyita mu yye.

Era bwe tumanya nti Katonda amanyi ebyaliwo ebiriwo n’ebiribaawo, tumwesigire ddala mubuli kimu kye tukola era mwesigwa n’emirimu gye gyonna okuyita mu ffe gyakutuukirizibwa.

Okumanya kwa Katonda kw’ebyo ebitwetolodde kwenkanankana n’okubeerawo kwe mu bulamu bwaffe ne munmbeera zaffe.